

# Omulamwa gwa Bayibuli omukulu gwe guliwa?

The Bible is the most significant and most widely read book in the world literature.

**Ebitundu 98 ku kikumi eky'abantu bayibuli by'eyagala n'obubaka bw'ayo obukulu babufuna bubi .**

## *Mukwano Andrew ,**

Okwagala Bayibuli kweyongera. Mu myaka 561 obukadde 561 obwa ebyawandiikibwa ku Bayibuli byasasaanira ensi yonna. Mu nsi ezoogera olugyamani, obukadde obukunnukiriza mu 8 batera okusoma Bayibuli.

Leero,mpandiika ku mulamwa omukulu ogwa bayibuli. Dr. James Kennedy ateebereza nti ebitundu 98 ku kikumi omulamwa gwa bayibuli omukulu tebagufuna bulungi. Eyo y'ensonga lwaki nkuwandiikira mu bujjuvu. Awo osobole okwanguyirwa okukinyonnyola abalala

Omulamwa gwa bayibili omukulu kwe kutuwa okwanukulwa ku kibuuzo :

## Omuntu ayinza atya okufuna obulamu obutaggwawo, obuppya?

Yesu Kristo yagamba: *"Nze najja babeere n'obulamu, era babeere nabwo mu bungi."*(Yokaana 10:10 NKJV)

**Bangi balina obwetaavu okubaako kye bafuna mu bulamu. Naye nno, Yesu Kristo tayagala bwagazi kutuwa ekintu bulamu,naye era n'obulamu obugagga era obujudde. Obulamu buno bulimu okwagala, essanyu, eddembe, obukuumi n'essuubi.**

**obulamu buno obuggya bukola bulungi ku by'enjigiriza, ku by'emirimu, emikwano, obufumbo, famire, eby'obulamu n'ebyomumaaso. Era obulamu buno obuggya okusinziira ku kwagala kwa Katonda butwalibwa ku mutendera omulala ddala okumala emirembe.**

Wamu n'obujulizi okuva mu bantu, abazudde obulamu obuggya ne Kristo. Nze kulwange, ndi musanyufu nnyo nti nina obulamu buno obuggya.

* Andrew okubegera oyo ow'omu Bayibuli mu Yokaana 1:40-42. Ensonga – Andrew yatwala mugandawe Peter eri Yesus.

## Katonda asinziira ku ki okuwa obulamu obuggya?

Eky'okuddibwamu tusobola okukisanga mu "njiri", ekitegeeza" Amawulire amarungi oba "Empungula ey'essanyu". Oja kukiraba mangu nti obubaka buno bukusanyusa. Ge mawulire abantu ge baali bawulidde agasinga.

Teebeereza nga ofudde leero era nga olina okwanukula Katonda ebibuuzo bino "lwaki onsubiramu obulamu obutaggwawo? Oyinza kuddamuki? Ebitera okuddibwamu biri:

› Kubanga nagoberera amateeka go …
› Kubanga nakorera abalala ebirungi…
› Kubanga obulamu bwange bwaali bwa kitiibwa …

Bangi balowooza nti bwe bakola kino oba kiri, awo nabo baba bajja kufuna obulamu obutaggwawo. Buli muntu muwa amagezi okugoberera amateeka ga Katonda, okukola obulungi nokubeera n'obulamu obulimu ekitiibwa. Naye ekyokubifunamu obulamu obuggya kikyamu nnyo. Bayibuli ky'esomesa kyawukana: Obulamu obuggya kirabo okuva eri Katonda. Tewali ngeri gyetuyinza kubukolerera. N'okuboonaboona tekubutuweesa. Bwenazuula kino, nasanyuka nnyo. Nja kubabuulira lwaki oluvvanyuma – era n'omugaso oguli mu bikolwa ebirungi.

Abamu bayinza okubuuza: Okukola obulungi mpawo kikulimu? Nedda n'akatono. Katonda asanyukira buli kikolwa ekirungi. Naye obulamu obutaggwawo tetiyinza kubufunira mu bbyo obulamu obutaggwa Katonda abuwa abo abamwesiga okusinziira ku saddaaka ya Yesu.

Okufa okw'okwessaddaakira omuntu omulala kusobola kubeerawo mu kwagala. Okwagala kusobola okusasulwa, naye tebakukolerera okukufuna.

## Eky'omukisa omulungi , obulamu obuggya tetubukolerera

Singa bwekiri, singa abagagga, ab'amaanyi, abagezi n'abalamu obulungi baweebwa enkizo. Abalala bandibadde bakaluubirizibwa. N'ekiralala, buli kiseera twandibadde tubeera mu kutya obanga kutoze ekimala oba nga ebikolwa byaffe ddala byava mu bigendererwa ebyerufu era ebirungi. Ne bwetwandisobodde okubikwasaganya kyenkanyi okuva kati, ekibuuzo ku bitukwata ebyayita kyandisigaddewo.

Singa obulamu obuggya twali bakubukolerera era nga tukitwala ng'ekikulu , twandifundikidde nga tukutuse era nga tuli mu kweralikiirira. Waliwo omuntu eyakitwala nga kya maanyi nnyo. Yakutukira wakati mu kukikola. Omumanyi.

Yali Augustinian monk Martin Luther. Bayibuli egamba mu Abaefeso 2:8-9 NKJV:

*"Kubanga mwalokoka lwa kisa lwa kukkiriza, so tekwava gye muli; kye Kirabo kya Katonda, tekwava mu bikolwa, omuntu yenna aleme okwenyumirizanga."*

Olina kusasula kyenkana ki okufuna ekirabo? Si kuvvoola okwagala okusasulira ekirabo? Lumu nabuuza abaana mu kibiina kyange eky'eddiini ssente meka zebaasasulira ebirabo bya Kulisimasi bye baafuna. Omwana omu yaddamu: "Tewali kye twali tulina kusasula, naye bazadde baffe twabibeebaliza."

Ekintu kye kimu kyetulina okukola ne ku kirabo kya Katonda: okukikkiriza n'okukyebaliza okuyita mu ngeri gye tweyisaamu. Wali olowoozezza ekimala ku kirabo kya Katonda ettendo eky'obulungi n'okwagala ?

### Lwaki twetaaga obulamu obuggya?

Kubanga twagyibwako obulamu obwasooka okuyita mu kibi. Ekibi kye ki? Ng'okigenze ebuziba bwe butafaayo oba okwewaggula ku Katonda. Okusinziira ku nnambika ya Katonda, ani eyakola ekibi? Buli muntu – nga mwotwalidde gwe nange:

***" Tewali mutukuvu n'omu, Kubanga bonna baayonoona ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda."* (Abaruumi 3:10,23 NKJV )**

**Naye nno, abantu bangi leero teberaba ng'abonoonyi.**

Nzijukira emboozi gyetwanyumya n'omusuubuzi omuto. Yanzikiriza okumubuuzayo ebibuuzo ebitonotono. Mu bibuuzo ebirala, namububza oba yali mwonoonyi. Yasekera waggulu: "Nedda, family yange ngirabirira bulungi. Omulimu gwange mu kampuni ngukola. Sifuuwa sigala oba okunywa omwenge."

Yanzikiriza okumubuuza ekibuuzo ekirala: "wali oyenzeko?" "Yee, nayendako." Yali teyeraba ng'omwonoonyi. Yali yeerimba bwerimbi. Nga akozeza enkola y'okunnyika omutwe mumusenyu, okwebuzaabuzaa.

Omuwandiisi w'omusawo yali mumativu nti teyali mwonoonyi.

Olumu yamubuuza: "kisoboka okuba nti olowooza oba okola ekintu ekikyamu kimu mu buli lunaku?"
Oluvvanyuma lw'okulowooleza akaseera akatono omuwala yaddamu ng'akkiriza. Omukulu mukamaawe yagattako: kisoboka okuba nti olowooza oba okola ebintu ebikyamu bibri mu buli lunaku?" kye yaddamu: "Awatali kubuusabuusa kibaawo emirundi esatu mu lunaku." Mukamaawe yamubalira : "ebibi bisatu mu buli lunaku bikola ebibi 1,000 mu mwaka. Singa tetubala emyaka ekumi egy'obulamu bwe egyasooka, tuba tulina ebibi 15,000." Ekibalo ekitali kya bulijjo.

### Ekibi kivaamu ki?

Bayibuli egamba : *"Naye obutali butuukirivu bwammwe bwe bwawudde mmwe ne Katonda wammwe."*(Isaaya 59:2 NKJV) ne "…*Empeera y'ekibi kwe kuf*a." (Abaruumi 6:23 NKJV)

OKulamula kwa Katonda okw'ekibi kwe kufa eri gwegusinze. Kino tusobola n'okukitegeera. Singa okufa kwali tekuva mu kibi, ekibi kyandyeyogendde okubeerawo. Singa ensi etalimu kweyagaliza, obukyayi, entalo n'okuboonaboona eddamu n'ebaawo ekibi kiba kirina okusaanyizibwawo. Okufa ly'ekkubo lyokka.

Gutusinga era na bwekityo gwatusingisibwa. Situyinza kwetaasa. Naye, bwetukyukira ddala , tubeera n'esuubi eririmu omuzinzi

### Bayibuli eyogeraki ku mbeera za Katonta?

*"Katonda kwagala"* and *"Katonda butuukirivu"*. (1 Yokaana 4:8; Danyeri 9:14 NKJV) Obutuukirivu buva mu kwagala. Singa Katonda yali wakuwagira kikyamu, teyandibadde na kwagala wadde obutuukirivu. Mu ndaba y'ebintu ey'obuntu, kino kyekireeta ekizibu. Kitera okubeera ekizibu okukwasaganya okwagala n'obutuukirivu. Kino ne Katonda kyamubeerera kizibu? *"Kubanga KAtonda bwe yayagala, ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo omwana we eyazaalibwa omu yekka buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo."* (Yokaana 3:16 NKJV)

Mu kwagala kwe okutenkanika, yagonjola ekizibu ng'awaayo omwanawe mu kufa okwa ssaddaaka ku

lulwo nange . Olw'obutuukirivu bwe Katonda atusinzizza omusango,naye olw'okwagala kwe ,ye kennyini yeteekako ekibonerezo ekyabuli muntu amwesiga.

## Yesu Kristo eyatweweerayo y'ani?

Bayibuli etulaga nti Yesu Kristo ye Katonda.
Omwana wa Katonda yafuuka omuntu okutununula.

Singa Yesu Kristo yali muntu oba malayika, yandibadde tayinza kutununula. Katonda yekka yeyali asobola okwettikka omutango gwonna.

Katugambe nti Katonda yali yatutondera malayika okutufiirira – nga ekizibu kyandigonjoleddwa mu ngeri eno – ekyo tekyandibadde yaddeyaddeko ku muwendo? Tewali kirala ekitatuuka ku saddaaka entekanika ey'omwana wa Katonda ekyali kisobola okulaga okwagala kwa Katonda eri ffe abantu.

Yesu Kristo ye mutonzi w'ensi ( Yokaana 1:1-3,14; abakkolosaayi1:16; Abaebbulaniya 1:2). Omutonzi yekka y'alina amaanyi okutununula. Awatali maanyi ga butonzi tewali kuzuukira okufuna obulamu obutaggwaawo.

Yesu Kristo yemuwi w'amateeka ag'obwaKatonda (1 Abakkolinso. 10:4; Yakobo 4:12 + Yokaana 5:22). Omuwi w'amateeka yekka yeyali asobola okukolawo enkyukakyuka ng'ayita mu kukwetikka ekibonerezo ekitugwanidde.

Bwe tukizuula nti Katonda yali mwetegefu okwessaddaakira abantu, awo tutandika okutegeera okwagala kwe okutenkanika. Kristo yafuuka omutabaganya Katonda gwe yakozesa okukakasa okwagala kwe eri ensi ejudde ekibi eyagwa.

Waaliwo ekintu kimu kyokka ekyali kisoboka: Kristo okutwessaddaakira oba ffena twandisaaniddewo ddala. Bayibuli ekyogera bulungi: Yesu yatwetikkira ebibi byaffe (1 Peetero 2:22,24; Isaaya 53:46).

## Lwaki Yesu Asobola okudda mu kifo kyange?

Era kyambeerera kizibu okutegeera engeri omuntu omulala gy'ayinza okweddiza ebbanja lyange. Naye ate, mu byafaayo waliwo ebingi byetusobola okunokolayo,nga omuntu yafiirira omulala oba n'amukolera ekiboonerezo.

Bannamawulire bazuula ng'omusango tegunawozesebwa nti omulamuzi n'omuwawabirwa baali bamukwano ku ssomero. Na bwekityo, ekkooti yakubako ng'ejjudde abantu abaali bekengera. Omulamuzi yali agenda kukola atya? Omusango gwatambuzibwa ku mitendera mu butuufu bw'agyo. Omulamuzi yamusalira ssente nnyingi ddala. Naye, baali baakitegeddeko nti omusajja gwebaasingizza omusango yali tasobola kusasula
– kino kyalina okubeera nga kiva ku bukenuzi
– Omukozi wa kooti yali alindiridde okumujjawo.

Ngomulamuzi amaze okugyamu ebiganduula bye, yayimirira mu maaso ga mukwano gwe n'amugamba: "Okyakkiriza nti ndi mukwano gwo?" teyamuddamu wabula yamutunuuliza amaaso amakambwe. Omulamuzi n'ayongerako: "Nze mbadde omulamuzi wo. Ng'omulamuzi ekyo kye mbadde nina okukola. Nina okuwa ensala ey'obwenkanya ng'omulamuzi. Naye kati njagala okukulaga nti ndi mukwano gwo."

Awo mu maaso ga mukwano bwe, Omulamuzi yawandiika ceeke ey'okusasulira omuwendo ogwo gweyali amusalidde ogwali omunene. Kwali kussaddaaka Kunene okw'ensimbi eri omulamuzi. Ceeke yagimwolekeza okugimukwasa. Wakati mu nsonyi, mukwano gwe eyali asingisiddwa omusango yasooka natagikwatirawo. Naye oluvvannyuma , wakati mu kusiima era n'okumwesiga, yagikwata . yasobola okuva mu kooti wamu ne mukwano gwe ng'ateereddwa era ngalina eddembe lye. Omusango ogwamusalirwa tegwakwasibwa kuba engassi yali esasuddwa omuntu omulala. Ebbanja bweliba lisasuddwa, tewaba kiba kisigadde kusasula.

Okusinziira ku Yokaana 5:22 Yesu Kristo ye mulamuzi waffe. Omulamuzi w'okunsi ajja kulamuza obwenkanya. Akwagala era ayagala okubeera mukwano gwo.( Abaruumi 5:10; Yokaana 15:14). Olw'okwagala kwe, Mwetegefu okukusasulira . Kino asobola okukikola kulwa ssaddaaka ye. Bw'onoonya omukwano gwe era mu kwesiga n'omukkiriza, n'ebbanja lyo aba ajja kulisasula era n'ekibonerezo kyo kiba tekikukakatako. (Yokaana 5:24)

Awo osobola *"okugenda eka"* wamu ne mukwano gwo ng'omuntu ow'eddembe. (Yokaana14:13).

## Yesu asobola atya okufuuka mukwano gwange?

Okuyita mu kumwesiga, ng'omukkiririzaamu.

**Kiki ekirina okukolebwa okusobola okufuna obulamu obuggya?**

**Omukuumi w'ekkomera yali ayagala kumanya: "Nina kukola ki okulokolebwa." Okuddamu kwali:**
**"Kkiririza mu mukama Yesu Kristo, era ojja kulokolebwa…." (Ebikolwa 16:30-31 NKJV)**

***Ekintu ekikulu kwe kukkiririza mu Yesu Kristo.***

## 'Enzikiriza' ddala kitegeeza ki?

Eky'omukisa omubi, leero amakulu g'enzikkiriza ganaabuulibwa. Ekigambo ky'olungereza enzikiriza kyava mu njogera y'ekitundu eky'ebugwa njuba ekya German 'ga-laubon', ekitegeeza: 'okwagala', okwenyumiriza, okwesiga'.Kubanga kino kikulu nnyo, njagala okweyongera okukinyonnyola. *"Okkiriza nti waliwo Katonda omu. Okola bulungi. N'emizimu gikkiriza – era negikankana!"* (Yakobo 2:19 NKJV) Kino mu ngeri ennyangu katukiyite '**enzikiriza - ey'amagezi.**'

Abantu abamu basaba nga tebanalongoosebwa oba mu biseera ebyakazigizigi. Kino ka tukiyite Enzikiriza – yakazigizigi. Enzikiriza – ey'amagezi nungi. Enzikiriza eyakazigizigi, eyo esobola okutuyamba okufuna okwagala kwa Katonda, nayo nnungi. Byombi bikola ekitundu ku ku nzikiriza erokola. Naye enzikiriza ey'amagezi n'eyakazigizigi era ssi yenzikiriza erokola.

**Enzikiriza enzijuvu oba erokola,** okusinziira ku nnambika ya Bayibuuli, kino kiri kunze okweweerayo ddara nzenna eri Yesu Kristo.

### Wano waliwo eky'okurabirako enzikiriza entuufu:

Omusawo yegomba omuwala. Yandiyagadde okumuwasa. Omuwala alowooza nti omusajja ono muntu mulungi era nga musawo akola obulungi.( ekyo yenzikiriza –eyamagezi.) Omuwala ono yali yetaaga okumulongooza ekyenda. Mu biseera bye eby'obwetaavu, asaba omusawo amuyambe. (Kino ye nzikiriza –ey'ekiseera ekyakazigizigi.)

Omusawo ddala musanyufu olw'ebirungi omuwala by'amwogerako. Era ajja kwagala naye okumulongoosa. Kati, omuwala oyo abeera afuuse mulwadde we. Naye singa kyali ekyo kyokka, tekyandimumaze. Amwagala era ayagala kumuwasa. Omuwala bw'ayanukula kw'ebyo bye yasooka okukola, waaliwo ka 'yee' akaasooka mu nkolagana yabwe, oluvvanyuma akagobererwa 'Naakolanga bwentyo' bwe baali bawanyisiganya ebirayiro mu kugattibwa.mu kaseera waayogerera nti 'naakolanga bwentyo' eri obulamu obw'okubeera bombi, abeera obulamu bwe abumwesigisizza.

### Endagaano ne Katonda omulamu.

Eky'okulabirako eky'enkolagana yaffe ne Yesu Kristo.Tuwulira ebimukwatako oba okumusomako era n'oluvannyuma tumusaba okutuyamba. Bangi bakoma wano era nebasigala nga bantu yesu bajanjaba, mukifo ky'okuyingira mu ndagaano eriwo esinga: enkolagana ey'obuntu ey'okwagala. Okwagala kwe, kwetufuna okuyitira mu Bayibuli oba byetufuna nga tuli naye, bituleetera okweyongerera ddala okumwesiga. Tuddukira gy'ali mu ssaala zafffe (eno y'enkolagana). Bwetweyongera okumumanya n'okumwesiga, awo twewaayo gyali. Tuba tugamba YEE eri okugattibwa (Okugattibwa kuno kwenkana n'okubatizibwa bayibuli kw'eyogerako).

### Enkolagana eno eri Yesu bayibuli egigeerageranya ku mpeta ey'obufumbo.

Mu kaseera ako kennyini omuwala weyayogerera mu mukwano n'obwesige nti 'Naakolanga bwentyo' obulamu bwange bwonna, yafuukirawo mukaziwe. Ffe, tufuuka bamukwano ab'okulusegere ne Yesu oba abaana ba Katonda mu kaseera ako kennyini wetumugambira nti 'Naakolanga bwentyo' obulamu bwonna, mu kumalirira okwenkomeredde.

*"**Alina Omwana alina obulamu;** atalina Mwana wa Katonda talina bulamu."* (1 Yokaana 5:12 NKJV)

***"Bonna abaamusembeza, yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda…"*** (Yokaana 1:12 NKJV)

Okuviira ddala mu kaseeka ako tufuna obulamu obuggya. Bwetusigala mu nkolagana eno ne Katonda, tubeera tujja kuzuukira mu bulamu obutaggwaawo, mu kujja kwa Yesu okw'okubiri

Empetta kyakugeerageranyizaako kirungi nnyo ku nkolagana yaffe ne Katonda. Bayibuli eky'okulabirako kino ekikozesa,okugeza, mu Abaefeso 5:22-33.

Ekya 'Naakolanga bwentyo' mu kugattibwa kikyusa ebintu bingi. Emirundi mingi, omukazi Ayongerwako erinnya ly'omwami we. Bombi balekawo amaka ga bazadde baabwe, ne bayingira amaka gaabwe era obulamu nebabubeeramu bombiriri. Ekyo kyekimu ne ku Yesu Kristo. Bwetumugamba, 'Naakolanga bwentyo', awo tubeerala twagala okubeera naye. Tunyumirwa okusoma ebbaluwa ye ey'omukwano – Bayibuli -, twagala okwogera naye – Essaala – tusanyuka nti abeeran'obudde bwaffe buli lunaku – okutendereza oba okweyawulako -, era nti ayagala okumala naffe olunaku lulamba mu wiiki – Ssabbiiti ne ku Kkanisa. Tusanyukira mu kuwunda obulamu bwaffe wamu naye – Minsoni oba emirimu gy'ekkanisa. Era olunaku lumu, tujja kusobola okutwala obusika obusinga: obulamu obutaggwawo mu bwakabaka bwa Katonda.

## Kiki ekiri mu bikolwa ebirungi?

Kati waliwo obugambo obutono obukwata ku mirimu emirungi. Ensobi ssemasobi ekolebwa ebitundu 98% eby'abantu kwekukitwala nti Bayibuli etusomesa nti tulina okukolerera obulamu obutaggwawo.

## Mugaso ki oguli mu bikolwa ebirungi?

Katusome nate Abaefeso 2:8-9 n'olunyiriri 10 (NKJV): *"Kubanga mwalokoka lwa kukkirizza,so tekwava gye muli (tekwayita mu busobozi ); kye kirabo kya Katonda, tekyava mu bikolwa, omuntu aleme okwenyumirizanga. Kubanga ffe tuli mulimu gwe, abatonderwa mu Kristo Yesu olw'ebikolwa ebirungi, Katonda bye yasooka okuteekateeka.(Katonda bye yatuteekateekera nga tebinabeerawo) ffe okubitambulirangamu."*

Tetulokolebwa bikolwa birungi, naye lwa kisa kya Katonda – awatali busobozi bwonna okuva eri ffe. Okuviira ddala mu kaseera we tulokolebwa okuyita mu kwesigaYesu Kristo, tufuna enkolagana empya naye. Atuwadde obulamu obuggya era obukyusiddwa. Atuteekateekedde ebikolwa ebirungi mu bulamu buno obuggya, tusobole okubikola.

Kati, Yesu twagala okumusanyusa nga tumulaga okwagala n'okusiima. Era atunyweza okutusobozesa obulamu buno obuggya. Kankyogere bw'enti: **Ebikolwa ebirungi ssi kakwakkulizo mu kunulwa kwaffe, wabula bibala eby'obununuzi bwaffe.**

Katudde ku ky'okulabirako eky'obufumbo obw'empeta.

Omuwala tajja kufumbirwa muvubuka kulw'okuba nti amuleetera ebimuli. Naye bwe baba baagalana, ebimuli bisobola okubeera akabonero k'omukwano.

Abaagalana bwe bafumbirigana, omwami awa mukyalawe essente ez'okukozesa awaka. Kino kikolwa kirungi? Omukyala afumbira mwamiwe n'amutegekera esuuti ze bulungi. Ebyo bikolwa birungi?

Ebikolwa bino ebirungi bye bafunira mu bufumbo tewali yandibirowoozezaako. Baamala okufumbirigana. Ebyo bye birina okuva nkolagana erimu okwagala.

Kanfunze bwenti: **Tufuna obulamu obuggya bwetuyingira enkolana erimu obwesige eyamaanyi ne Yesu Kristo.**

## Bye nafuna nze kennyini

Okumala emyaka nakkiririzanga mu Katonda ne Yessu. Nzikiririza mu byonna Bayibuli bye yasomesa. Byonna nabitwala mu ndowooza yange. mu ngeri y'emu nasabanga era emirundi mingi essaala zange zaddibwangamu. Wabula, olunaku lwatuuka, wennakizuulira nti nali sineewaayo eri Yesu Kristo.

Ekirowoozo kino kyanviirako olutalo munda mu nze okumala wiiki yonna. Natya okufiirwa singa nali neewaddeyo eri Yesu. Paka lwe nakizuula nti Yesu Kristo anjagala n'okwagala okw'obwa Katonda era nti yakukakasa bwe yanfiririra. Oluvannyuma era nenkizuula okweweerayo ddala eri ye tekirina buzibu bwonna, wabula emiganyulo egitagambika.

Olunaku olwo lwennyini nagamba nti 'Naakolanga bwentyo' era nemponga obulamu bwange gyali okuyita mu ssaala ennyangu. Kino kikyusiiza obulamu bwange mu ngeri ennungi. Njagala nnyo ebikwata ku Katonda wange. Bwentunula emabega, nejjusa ekintu kimu: nti nalwawo okukizuula ne sikikolerawo nga bukyaali.

Kati ndi musanyufu bwemba nga nsobola okuyamba omuntu okuzuula obulamu buno obuggya okuyita mu Yesu Kristo.

## Omutendera ogw'ekizo mu nkolagana ey'obuntu ne Yesu Kristo.

Essaala eno gwe mukisa gwo okulaga Katonda nti omwesiga. Tekiri ku kukozesa bigambo bino byennyini, wabula kiri nti mu mazima tukakasa byetugamba Katonda.

ESSAALA

**"Kitaffe mu Gulu, Nkizudde nti ngezezaako okufuga obulamu bwange era nenkweyawulako. Nsonyiwa ekibi kyange. Nkwebaza nti onsonyiye ekibi kyange kubanga Kristo yanfirira era afuuse omununuzi wange. Mukama Yesu, nkusaba ofuge mu bulamu bwange era onfuule, nga bw'oyagala mbeere."**

Essala ng'eno ey'okwewaayo eri Yesu Kristo esobola okugerageranyibwa ku kukkiriza okufumbiriganaa. Oluvvanyuma lw'ekyo, abaagalana beyongera okumanyagana n'okuyiga buli omu okweyongera okumatira munne.

Awo obufumbo nebugoberera. Mu kugerageranya kuno, obufumbo obw'empeta bwenkanankana ku kubatizibwa bayibuli kw'eyogerako.

Okulamusa okw'essanyu,

*Helmut*